Obukodyo!
Posted by prettyd - 2008/07/16 21:54

Munno mufunire erinnya ericamula

MBALAMUSIZZA bawala ne batabani bange. Leero njagala tutunuulire amannya ge muyita bannammwe abo abababugumya nga muli eyo mu kitanda. Owuwo omuyita otya? Omuyita ‘maama Naaki’ ng’abalala awaka bwe bamuyita?

Mmanyi abamu ku mmwe temufaayo ku mannya ge muyita baagalwa bammwe bano naddala nga muli eyo ku kisenge babagabira amasaza. Wabula bw’otofaayo kumuyita linnya erinaamucamula ne by’okola tebijja kumunyumira. Ggwe ng’omusajja oteekwa okugunjaawo erinnya erimumanyisa nti ye ggwe amuleetera ebisulo mu bisambi.

Waliwo amannya ge muyita abaagalwa bammwe ne gabamalako ne laavu, era we batuukira mu kisenge nga buli kimu bakikola kutuusa mukolo. Ekibi nti abasinga ensonga za laavu temuzitwala ng’ekikulu, kye mukuliriza kimu kya kwegatta.

Munno oyinza okumuyita Namboozi, amakulu nti y’akuwa emboozo y’omu buliri ekunyumira, era buli lw’awulira ng’ebisulo bimusala mu bisambi ng’acamuka. Olwo lwaki taakubeerere munyuvu mu kisenge? Oba osobola okumuyita Kasonsomolera ng’omugeraageranya ku liggwa ly’ettovu. Oyinza okumuyita okusinziira ku bitundu by’omubiri gwe gamba nga Maasombira, bulawuni, kabinandoddo oba sigiri, okulaga nti alina ebbugumu ly’oyagala mu buliri.

Kye mulina okumanya nti omukwano gwetaaga okuwaana era buli lwe kutabeerawo ebintu tebitambula bulungi.

Buli lw’omuwa erinnya erimwawula ku bantu abalala kimulaga nti omwagalira ddala era buli w’omutuukirako abeera ayidde.

Published on: Wednesday, 16th July, 2008

==========

Re:Obukodyo!
Posted by kapakiti - 2008/07/17 21:04

Owange bulijjo nkimanyi nti oli muka bwoti? Ownge mweyitira kawoomera.

==========

Re:Obukodyo!
Posted by JeenaJulia - 2008/07/18 19:47

Naye PrettyD gwe nga tewatubulidde owuwo lyewamuwa?Nze owange mweyitila Fumitabadagge ku weekends ate munaku ezitali weekend mweyitila Kisóbusungu.Yadde nga olusi ntela okugatabula okusinzila ku mbela yobudde.

==========

Re:Obukodyo!
Posted by prettyd - 2008/07/18 22:30

---

jj owuwo eryo erya weekend lyo'muyita nga lizibu okwatula!hahaha kituufu wamma gakubuzebuze!lol

owange muyita katikkiro,ssaabaagazi,nanyini mukwano anti gusibuka mu ye ne gumbuna!nkugambye nina mangi naye kambagambeko ago!

==========

Re:Obukodyo!
Posted by garvin - 2008/07/18 23:16

---

nze owange muyita bulamu bwange. anti yampa amaanyi go'olunaku. naye nga go amanya ag'andimu manji genyinza okumuyita.

==========

Re:Obukodyo!
Posted by prettyd - 2008/07/24 22:37

MBALAMUSIZZA bawala ne batabani bange. Mbaagala nnyo naddala mmwe abafaayo okunyweza amaka gammwe. Wabula bawala bange bangi abakola ensobi gye njagala mugolole.

Bawala bange bangi muyingira obufumbo n'ekigendererwa ky'okukyusa embeera z'abaami bammwe. Omusajja bw'afuna omukazi n'asalawo okumuwasa abeera asaba kimu, aleme kukyuka ng'atuuse mu maka.

Ekyewuunyisa nti ate bawala bange bangi abafuna abasajja ne babala nga tebakwatagana bulungi, wabula ne bagenda mu maaso ne babafumbirwa nga balowooza nti bwe banaatuuka mu bufumbo bajja kusobola okubakyusa basobole okufaana nga bo bwe baba baagala.

Naye njagala okubagamba mmwe abawala nti mu kifo ky'okumala obudde ng'okyusa omusajja weemalire mu kulongoosa amaka go.

Abafumbo abo b'olaba bajaguza emyaka 25 oba 50, amagezi gaabwe, ensimbi n'ebiseera ebisinga babiteeka ku kutereeza maka gaabwe.

Mu mbeera efaanana bw'eti amaka gakulaakulana, geegombesa era geeyagaza okubeeramu. Buli lw'otunuulira ebintu byo ebirungi by'okoze mu maka n'ensimbi ssaako obudde bw'omaze okukolerera ebintu ebyo kikubeerera kizibu okuseetula ekigere okugavaamu, era omuyaga ne bwe gujja nga gukunta, osobola okuguma n'okwenyweeza wekka awatali muntu mulala kukuyamba.

N'omusajja agenda okulaba nga byonna by'okola toseguka n'akomawo awaka ne yeetereeza. Kino tekitegeeza kuggya birowoozo ku baami bammwe, wabula mukomye okulowooleza mu kubakyusa.

==========

Re:Obukodyo!
Posted by prettyd - 2008/07/28 23:22

Gy’okoma okukozesa obukugu naye okukuwa...

ABASAJJA bafunye amannya nfaafa ng’abagabawa basinziira ku nneeyiisa yammwe mu muzannyo gw’abaagalana. Mu mannya bannaammwe ge babatuuma mwe muli nsindikanjake, ssekibotte, ssasirimu n’amalala.

Abasajja abamu tebakyayagala kwekooya, era akaboozi kaafuuka ka kufunirako tulo. Ekivuddemu be bakyala okusigala nga bawankawanka olw’obutakkuta mukwano.

Bingi bye bakola mu mukwano baabikwata bukusu. Oluba okwesogga obuliri, tafaayo na kunyonyoogera ku munne afune obuswandi, atandikirawo kujjula mmere n’atafaayo oba yakonye oba esiridde, avaabira buvaabizi. Omusajja ateekwa okumanya nti nabunnya oyo afaananira ddala ennywanto z’ente.

Ennywanto ezo nga zaasanze omulaalo omukugu, aziggyamu amata mangi ddala agalema abalala okuggyamu. Ky’akola kwe kulaga ente eyo nti agifaako ekugenze ewala.

Kino akikola ng’agiweeweeta wamu n’okugiwa ebiwata by’amamiriddeko otunnyu twekisula n’eryoka esumulula amata naye n’asiima.

Omusajja buli lw’alemwa okuteeka omwagalwa we mu mbeera eno manya nti eyandibadde avaamu ‘amata’ agawera agaleka ekkubo nga liseerera, omuleka talina ky’akyuseeko n’atuuka n’okuddayo n’amata ge gonna, ate ggwe n’osigala nga weesozza nga bwe wafuna atalina wadde ettondo.

Abakazi ebiseera ebisinga balemwa okunyumirwa ekigwo ky’abakulu ne batatuuka na ku ntikko ya mukwano lwa baagalwa baabwe butaba na bukugu mu nsonga zino.

Abasajja emirundi egisinga ebintu babirya nkuba ejja nga balinga be bagoba, oba ababbako obubbi nti essaawa yonna bayinza okubasanga.

Embeera eyo y’eremesa abakazi okunyumirwa oluusi ne batuuka n’okukemebwa okukkakkana nga bafunyeeyo abamanyi okuweeweeta obulungi ‘ennywanto’ ne baziggyamu omwasi.

Singa omukazi ow’ekika kino agwa ku musajja eyakuguka mu muzannyo guno okufaananako omulaalo amanyi okuzannyisa enywanto obulungi ebintu biyinza obutatambula bulungi.

Ebimu ku bintu ebituuza abakazi nga tebasagaasagana mu maka gwe mukwano. Wabula omukwano guno guzingiramu bingi nga n’ekisinga obukulu bwe bukugu bw’omusajja okukwata enkasi y’omukwano.

Ggwe tolaba omusajja asimbya abakazi layini ate nga n’oluusi talina bw’ali mu nsawo? Kino kitegeeza nti alina ekyama eky’enjawulo era mukugu mu kuzannyisa ennywanto okuziggyamu amata agawera.

Essaawa y’okumeggana giwe ekitiibwa n’okwewayo okwenjawulo okireko agenda mu lutabaalo.Tofubutuka wabula twala obudde ng’otegeka munno.Manya ebifo ebimuteeka mu muudu era bino byesibeeko nnyo ogende okutandika ensitaano yennyini nga munno ayiikayiika ng’omulwadde omuyi.

Buli lw’opapirira n’okirako aggyiira mu nju manya nti ojja kunnyuka munno akukongooza bigere ate nga ggwe nnyini weewaana nga bw’oyingizza emipiira mu katimba.

Kye kiseera mmwe abasajja okufuuka ng’abalaalo b’ente mukozese obukodyo omulaalo bw’akozesa okuggya mu nte ye amata agawera.Omwagalwa wo singa omuyisa mu ngeri ng’eno,wandyesanga ng’omukwano gwammwe guwangadde myaka na bisiibo.

Published on: Monday, 28th July, 2008

==========

Re:Obukodyo!

Posted by JeenaJulia - 2008/10/02 09:36

Atamanyi kunyenya kiwato oli bubi

BW’OBA bulijjo weebuuza lwaki abasajja bafiira ku bakazi abamanyi okuzina amazina amaganda eky’okukuddamu kiikino.

Engeri gye banyenyamu ebiwato nga bali ku siteegi bwe batyo era bwe beeyisa mu buliri nga bali mu mukwano.

Muky. Nankya Nkuziweze e Wakaliga agamba nti abawala bangi abagenda ewuwe nga baagala abawe ku ddagala erizza basajja baabwe kyokka amagezi g’abawa ga kuyiga kunyenya kiwato.

Omusajja buli lw’oba naye, kirungi ng’eno bw’oyimba oluyimba lw’eggwanga, naawe okunyenya ekiwato ng’azina olwo emikolo lwe ginyuma. Ate bw’olaba atandise okupapirira mu by’akola, ng’okendeeza ku nnyeenya y’ekiwato si kulwa ng’atuuka ku ntikko nga ggwe okyanyumirwa.

Nkuziweze ayongerako nti atamanyi kunyenya kiwato asobola okumutuukirira kubanga alina obukugu mu kutendeka abantu okuyiringusa ebiwato. Ali ku ssimu 0714500005 era alabula abawala n’abakazi obutalow-ooleza mu ddogo.

Published on: Monday, 29th September, 2008

Buli kilungi ate kiliko nebizibu byakyo,kuba nawulilayo abemulugunya mbu ate munne bwanyenya enyo,mbu nga "gear lever" ebuka bukayo.:silly: :silly:

==========